TACOMA
PUBLIC SCHOOLS

Carla Santorno
Superintendent

p: 253-571-1010
f: 253-571-1440
csantor@tacoma.k12.wa.us

tacomaschools.org

Eri amaka,

Tacoma Public Schools yewaayo okukakasa nti abayizi baffe bawulira nga bakuumibwa, baanirizibwa era nga basibwamu ekitiibwa nga bali ku ssomero.

Nga bwenagabanako namwe mu mwezi ogusooka, okubonyabonya, okutulugunya, okutiisatiisa oba okusosola tebirina kifo mu ma ssomero ga Takoma. Twagala okwewaayo kwa Tacoma eri obwenkannya, entegeeragana n'okusaamu ekitiibwa okugenda mumaaso mu kifo kino. Kyenva njagala okubakakasa nti Tacoma Public Schools tegya kunyenyezebwa mu mulimu gwayo ogw'obulabirizi eri abaana ba Tacoma.

Amassomero gaffe ganabeera ekifo eky'obukuumi eri abayizi baffe abagwiira abalina obutuuze okuyiga wamu n'okututumuka. Ekintabuli ky'omubiri gw'abayizi baffe, ekifo kyaffe mwetubeera n'abakozi baffe g'emaanyi getuganyulwamu ffenna era gaba galina kukuzibwa. Eby'obuwangwa byaffe n'ennimi ez'enjawulo ezissuka mu 70 ez'ogerwa mu massomero gaffe bisobozesa abaana bonna okufuna omukisa okuyigira ku balala bwebatafaanaganya nsibuko era n'okussa ekitiibwa mu nkola yaffe ey'obuntu.

Ekigendererwa kyaffe kwe kuweereza buli mwana ayingira mu miryango gy'essomero lyaffe, buli lunaku. Tujja kugenda mumaaso nga tusobozesa abayizi bonna okufuna eddembe lyabwe ery'omumateeka okutuusibwako enjigiriza y'abonna eya K-12 ey'obwerere, awatali kutunulira ddiini zaabwe, ebiffo byabwe eby'obuzaaliranwa, ennimi zaabwe, obutuuze bwabwe, ebifa ku mbeera yabwe ng'abagwiira abalina obutuuze, embeera z'abazadde baabwe newankubadde embeera endala zonna ezikuumibwa mu mateeka. Tacoma Public Schools tesaba yadde okugoberera ebikwata ku butuuze bw'omuyizi oba ebikwata ku mbeera ye ng'omugwiira alina obutuuze. Mubuziba, wansi w'akawayiro k'eddembe ly'eggwanga ery'ebyenjigiriza n'enkola y'obutatawanyizibwa bantu balala (FERPA), obutuuze bw'omuyizi oba embeera ye ng'omugwiira alina obutuuze bubeera bubaka obukwata ku muntu ssekinoomu obusobola okumuletera okumanyibwa obutalina kugabibwa.

Buli ssomero lyonna liragibbwa okugabirira ekifo ekikusikiddwa ekirina obukuumi, abayizi mwebasobolera okufuna okuyambibwa, obubaka, n'okuwanirirwa eby'ekuusa ku kuteeka mu nkola amateeka gonna ag'abagwiira abalina obutuuze agatataaganya okusoma kwaabwe. *Okusobola okuwanirira omulimu guno, akakiiko k'essomero lyaffe kekkaanya eky'okuddamu mu kusemba buli muyizi, buli lunaku mu mbeera ey'obwenkanyi era etali y'abusosoze.*

Waliwo ebikyuuse mu nsi yaffe, naye ate emirimu gyaffe emikulu nga Tacoma Public Schools gisigala gy'egimu. Ekirubirirwa kyaffe kisigala nti, abayizi BONNA aba Tacoma Public Schools banaattikirwa-nga beteefuteefu-okukola.

Leero, n'abuligyo, **abayizi bonna banirizibwa** ku Tacoma Public Schools.

Carla J. Santorno